# Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu (The Holy Spirit) **Luganda** – English
[1]

| Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu | The Holy Spirit |
|---|---|
| Omwoyo Omutukuvu alina embeera z'obuntu gamba nga amagezi, okukwatibwako, n'okwagala.<br>**Amagezi ge**, 1Bak 2:10,11, Katonda yabitubikkulira ku bw'Omwoyo; kuba Omwoyop akebera byonna, era n'eby'ebuziba ebya Katonda.<br>Kubanga muntu ki ategeera eby'obuntu wabula Omwoyo gw'omuntu oguli mu ye? Era bwe kityo n'ebya Katonda siwali abitegeera wabula Omwoyo gwa Katonda.<br>**Okukwatibwako kwe**, Bef 4:30, so temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu owa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa olunaku olw'okununulibwa.<br>**Okwagala kwe**, 1Bak 12:11, Naye Omwoyo akola ebyo byonna ng'omu, yagabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala. | **The Holy Spirit's Personality**<br>The Holy Spirit has personality because He possesses the essential characteristics of personality, namely, intellect, emotion, and will.<br>**His Intellect,** 1 Cor. 2:10,11, For to us God revealed them through the Spirit; for the Spirit searches all things, even the depths of God.<br>For who among men knows the thoughts of a man except the spirit of the man, which is in him? Even so the thoughts of God no one knows except the Spirit of God.<br>**His Emotion**, Eph. 4:30, And do not grieve the Holy Spirit of God, by whom you were sealed for the day of redemption.<br>**His Will**, 1 Cor. 12:11, But one and the same Spirit works all these things, distributing to each one individually just as He wills. |
| **Enkolagana ye eri Kitaffe**<br>Mat 3:16: Awo Yesu, bweyamala okubatizibwa, amangu ago n'ava mu mazzi. Laba eggulu ne limubikkukira, n'alaba Omwoyo gwa Katonda ng'akka ng'ejjiba, ng'ajja ku ye;<br>Lukka 4:18, Omwoyo wa Mukama ali ku nze……<br>Isaaya 61:1 | **His Relationship to the Father**<br>Matt. 3:16, And after being baptized, Jesus went up immediately from the water; and behold, the heavens were opened, and he saw the Spirit of God descending as a dove, and coming upon Him,<br>Luke 4:18, The Spirit of the Lord is upon me ...<br>Isaiah 61:1 |
| **Enkolagana ye eri Omwana**<br>Bar: 8:9, Naye mmwe temuli mu mubiri, wabula mu mwoyo, oba ng'Omwoyo gwa Katonda atuula mu mmwe. Naye omuntu bw'ataba na Mwoyo gwa Kristo, oyo we wuwe.<br>Baf 1:19, kubanga mmanyi ng'ekyo kirinviiramu obulokozi olw'okusaba kwammwe n'okuweebwa Omwoyo wa Yesu Kristo. | **His Relationship to the Son**<br>Rom. 8:9, However, you are not in the flesh but in the Spirit, if indeed the Spirit of God dwells in you. But if anyone does not have the Spirit of Christ, he does not belong to Him.<br>Phil. 1:19, For I know that this shall turn out for my deliverance through your prayers and the provision of the Spirit of Jesus Christ, |
| **Omwoyo Omutukuvu agabana embala ya Katonda.**<br>**Obutaggwaawo**, Beb 9:14, Omusaayi gwa Kristo, eyeewaayo yekka olw'omwoyo ataggwaawo eri Katonda nga taliiko bulemu, tegulisinga nnyo okunaaza Omwoyo gwammwe mu bikolwa ebifu okuweereza Katonda Omulamu? | **The Holy Spirit Shares the Attributes of God**<br>**Eternity**, Heb. 9:14, how much more will the blood of Christ, who through the eternal Spirit offered Himself without blemish to God, cleanse your conscience from dead works to serve the living God?<br>**Life**, Rom. 8:2, For the law of the Spirit of life in Christ Jesus has set you free from the law of sin and |

[1] ***Grace Notes***, 1705 Aggie Lane, Austin, Texas 78757 USA Email: wdoud@gracenotes.info

| Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu | The Holy Spirit |
|---|---|
| **Obulamu**, Bar 8:2, kubanga etteeka ery'Omwoyo gw'obulamu mu Kristo Yesu, lyanfuula ow'eddembe okunziya mu tteeka ly'ekibi n'ery'okufa.<br>**Obutukuvu**, Bar 1:4, eyalagibwa okuba omwana wa Katonda mu maanyi, mu mwoyo gw'obutukuvu, olw'okuzuukira kw'abafu, Yesu Kristo Mukama waffe.<br>**Amazima**, Yok 14:7, Omwoyo Owamazima: ensi gw'eteyinza kukkiriza, kubnga temulaba, so temutegeera: mmwe mumutegeere; kubanga abeera gye muli, era naabanga mu mmwe.<br>**Omuyinza w'ebintu byonna**, Lub 1:1,2, Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi. Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde; n'ekizikiza kyali kungulu ku buziba. Omwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi.<br>**Abeera mu buli kifo**,<br>Zab 139:7-10 Naagenda wa okuva eri Omwoyo gwo?<br>Bwe nnalinnya mu ggulu, nga gy'oli: Bwe nnayala obuliri bwnage mu magombe, laba, nga gy'oli.<br>Bwe nnaatoola ebiwaawaatiro eby'enkya, ne ntuula mu byo eby'ennyanja ebiri ewala ennyo.<br>Newakubadde eyo Omukono gwo gunaannungamya n'omukono gwo ogwa ddyo gunankwata. | of death.<br>**Holiness**, Rom. 1:4, who was declared the Son of God with power by the resurrection from the dead, according to the Spirit of holiness, Jesus Christ our Lord,<br>**Truth**, John 14:17, that is the Spirit of truth, whom the world cannot receive, because it does not behold Him or know Him, but you know Him because He abides with you, and will be in you.<br>**Omnipotence**, Gen. 1:1,2, In the beginning God created the heavens and the earth.<br>And the earth was formless and void, and darkness was over the surface of the deep; and the Spirit of God was moving over the surface of the waters.<br>**Omnipresence**, Ps. 139:7-10, Where can I go from Thy Spirit? Or where can I flee from Thy presence?<br>If I ascend to heaven, Thou art there; If I make my bed in Sheol, behold, Thou art there.<br>If I take the wings of the dawn, If I dwell in the remotest part of the sea,<br>Even there Thy hand will lead me, And Thy right hand will lay hold of me. |
| **Omwoyo Omutukuvu abikkula amazima g'obwakatonda.**<br>1Bak 2:9-11, "naye nga bwe kyawandiikibwa nti Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawulirnaga, n'ebitayingiranga mu mutima gw'omuntu, byonna Katonda bye yategekera abamwagala.<br>Naye FFE Katonda atubikkulira ku bw'Omwoyo: kubanga Omwoyo anoonya byonna ra n'bitategeerekeka ebya Katonda.<br>Kubanga muntu ki ategeera eby'Omuntu wabula Omwoyo gw'omuntu oguli mu ye? Era bwe kityo n'ebya Katonda si wali abitegeera wabula Omwoyo gwa Katonda.<br>Laba ne 2Sam 23:2; Mik 3:8, Bik 1:16; Beb 9:6-8, 2Pet 1:1-21; Yok 16:12-14. | **The Holy Spirit Reveals Divine Truth**<br>1 Cor. 2:9-11, but just as it is written, " Things which eye has not seen and ear has not heard, And which have not entered the heart of man, All that God has prepared for those who love Him.<br>For to us God revealed them through the Spirit; for the Spirit searches all things, even the depths of God.<br>For who among men knows the thoughts of a man except the spirit of the man, which is in him? Even so the thoughts of God no one knows except the Spirit of God.<br>See also 2 Sam. 23:2; Micah 3:8; Acts 1:16; Heb. 9:6-8; 2 Pet. 1:15-21; John 16:12-14. |
| **Omwoyo Omutukuvu agulumiza Mukama Yesu Kristo mu mulembe gw'ekkanisa.**<br>Oluvannyuma Mukama Yesu Kristo bweyalinnya mu ggulu, Omwoyo Omutukuvu n'ajja okubeeramu bakkiriza byonna mu mulembe gw'ekkanisa.<br>Yok 7:88, 39, "Akkiriza nze, ng'ekyawandiikibwa bwe | **The Holy Spirit Glorifies the Lord Jesus Christ During the Church Age**<br>After the Lord Jesus had ascended to Heaven, the Holy Spirit came to indwell all believers during the Church Age.<br>John 7:38,39, "He who believes in Me, as the |

| **Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu** | **The Holy Spirit** |
|---|---|
| kigambo nti emigga gy'amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe.<br>Ekyo kyayogerwa ku mwoyo, gwe baali bagenda okuweebwa abamukkiriza; kubanga Omwoyo yali tannaba kugabibwa; kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa.<br>Ekigendererwa ky'Omwoyo Omutukuvu okubeera mu bakkiriza si ye kwegulumiza, wabula ye okugulumiza Kristo nga amaze okuba kunsi.<br>Yok 16:13, 14, "Naye bw'alijja oyo Omwoyo ow'amazima, naabalungamyanga mu mazima gonna: kubanga taayogeranga kububwe yekka; naye byonna by'anaawuliranga by'anaayogeranga: ye anaababuuliranga ebigenda okujja. Oyo anangulumiznga nze: kubanga anaatoolanga ku byange n'abuulira mmwe".<br>Omubiri gw'abakkiriza yekaalu ya Mwoyo Mutukuvu, n'okugulumiza kuno kubeerawo munda w'omukkiriza.<br>1Bak 6:19,20. "Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye yekaalu y'Omwoyo Omutukuvu ali mu mmwe, gwe mulina eyava eri Katonda? Nammwe temuli ku bwammwe;<br>Kubanga mwagulibwa na muwendo: kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe.<br>Omukristaayo bw'ajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu (okutambulira mu bumu), obulamu bwe buwandiikibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Yalangirirwa okuba ebbaluwa ya Kristo eyawandiikibwa Omwoyo Omutukuvu.<br>1Bak 3:2-6.<br>Omukristaayo bwajjuzibwa Omwoyo Omutukuv, Kristo waka mu mubiri (Bef 3:16,17). | Scripture said, 'From his innermost being shall flow rivers of living water.'"<br>But this He spoke of the Spirit, whom those who believed in Him were to receive; for the Spirit was not yet given, because Jesus was not yet glorified.<br>The purpose of the indwelling Holy Spirit is not to glorify the Holy spirit, but to glorify Christ while He is absent from the earth.<br>John 16:13,14, "But when He, the Spirit of truth, comes, He will guide you into all the truth; for He will not speak on His own initiative, but whatever He hears, He will speak; and He will disclose to you what is to come.<br>"He shall glorify Me; for He shall take of Mine, and shall disclose it to you.<br>The believer's body is the temple of the Holy Spirit, and this glorification occurs on the inside of the believer.<br>1 Cor. 6:19,20 Or do you not know that your body is a temple of the Holy Spirit who is in you, whom you have from God, and that you are not your own?<br>For you have been bought with a price: therefore glorify God in your body.<br>When a Christian is filled with the Holy Spirit (walking in fellowship), his life is written by the Holy Spirit. He is declared to be the epistles of Christ written by the Holy spirit.<br>2 Cor. 3:2-6 You are our letter, written in our hearts, known and read by all men;<br>being manifested that you are a letter of Christ, cared for by us, written not with ink, but with the Spirit of the living God, not on tablets of stone, but on tablets of human hearts.<br>And such confidence we have through Christ toward God.<br>Not that we are adequate in ourselves to consider anything as coming from ourselves, but our adequacy is from God,<br>who also made us adequate as servants of a new covenant, not of the letter, but of the Spirit; for the letter kills, but the Spirit gives life.<br>When a Christian is filled with the Holy Spirit, Christ is at home in the body.<br>Eph. 3:16,17 that He would grant you, according to |

| **Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu** | **The Holy Spirit** |
|---|---|
| | the riches of His glory, to be strengthened with power through His Spirit in the inner man;<br>so that Christ may dwell in your hearts through faith; and that you, being rooted and grounded in love, |
| **Omulimu Ogw'awamu ogw'Omwoyo Omutukuvu.**<br>Zak. 4:6, "---- Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa Mwoyo gwange, bwayogera Mukama w'eggye.<br>Wammanga lwe lukalala lw'emirimu egikolebwa Omwoyo Omutukuvu.<br>• Okugoba emizimu: Mat 12:28.<br>• Okubeera abakkiriza: Yok 15:26<br>• Alumiriza ensi olw'ekibi: Yok 16:8<br>• Aleetera abakkiriza okubeera abalamu mu mwoyo: Bar 8:11.<br>• Yegayiriria abakkiriza Bar 8:26.<br>• Akola abaweereza abobusobozi ab'endagaano empya: 2:Bak 3:6 | **General Work of the Holy Spirit**<br>**Zech. 4:6, "...** not by might, nor by power, but by my spirit, says the Lord of hosts."<br>The following is a list of activities carried out by the Holy Spirit:<br>• Casting out demons: Matt. 12:28<br>• Comforting of believers: John 15:26<br>• Reproving the world of sin: John 16:8<br>• Making believers spiritually alive: Rom. 8:11<br>• Making intercession for believers: Rom. 8:26<br>• Making able ministers of the new covenant: 2 Cor. 3:6<br>• Raising Christ from the dead: 1 Pet. 3:18<br>• Was executor of Bible inspiration: 2 Pet. 1:21<br>• Invites unbelievers to accept Christ: Rev. 22:17 |
| **Omwoyo Omutukuvu okubeera mu bakkiriza**<br>• Omwoyo Omutukuvu abeera mu buli mukristaayo. Bar 8:9, Bag 3:2; 4:6; 1Bak 6:19,20.<br>• Omwoyo Omutukuvu okubeera mu bakkiriza kiyitibwa okufukibwako amafuta 1Yok 2:20,27.<br>• Obunabbi bwo okubeera mu mukkiriza busangibwa mu Yok 7:37-39; 14:16,17.<br>• Omwoyo Omutukuvu okubeera mu mukkiriza kirina okwawulibwa ku Kristo okubeera mu mukkiriza.<br>Kristo abeera mu mukkiriza olw'ekigendererwa ky'obumu, Bar. 8:10; 2Bak 13:5.<br>Omwoyo Omutukuvu abeeramu mukkiriza olw'ekigendererwa ky'okukola Bag 5:22.<br>Obumu obusukkiridde mu Kristo bujja okuyita mu kukola kw'Omwoyo Omutukuvu mu kuzimba n'okubeeranga mu kisa.<br>Omwoyo Omutukuvu okubeera mu mukkiriza kirina okwawulibwa ku kujjula Omwoyo Omutukuvu.<br>Omwoyo okutuula mu muntu kijja kyokka mu kiseera ky'obulokozi.<br>Okujjula mulimu gwa kusalawo kwa mukkiriza era kuggwaawo okuyit amu kutambulira mu mubiri.<br>Bef: 4:30 Okujjula Omwoyo kiragiro Bef 5:18 | **The Indwelling of the Holy Spirit**<br>• The Holy Spirit lives permanently in every Christian. Rom. 8:9; Gal. 3:2; 4:6; 1 Cor. 6:19,20.<br>• The indwelling of the Holy Spirit is called the "unction" in 1 John 2:20, and "anointing" in 1 John 2:27. These are synonyms for "indwelling."<br>• The prophecy of the indwelling of the Holy Spirit is found in John 7:37-39; John 14:16,17.<br>• The indwelling of the Holy Spirit must be distinguished from the indwelling of the Lord Jesus Christ.<br>Christ indwells the believer for the purpose of fellowship, Rom. 8:10; 2 Cor. 13:5.<br>The Holy Spirit indwells the believer for the purpose of function, Gal. 5:22.<br>Maximum fellowship with Christ comes through the function of the Holy Spirit in edification and grace living.<br>The indwelling of the Holy Spirit must be distinguished from the filling of the Holy Spirit.<br>The Indwelling is automatic at salvation.<br>The Filling is a function of the believer's volition and may be lost through carnality, Eph. 4:30. The Filling is |

| **Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu** | **The Holy Spirit** |
|---|---|
| Okujjla Omwoyo Omutukuvu kufunibwa okuyita mu kwatula ebibi 1Yok 1:9; Engero. 1:23.<br>Emirimu gy'Omwoyo Omutukuvu mu kuyingiza n'okuteeka mu nkola amazima ga Baibuli Yok 4:26; 16:12-15; 1Bak 2:9-16; 1Yok 2:27. Eno "y'engeri" eyokuzimbibwamu.<br>Omwoyo Omutukuvu okubeera mu mukkiriza kyetaagisa olw'okuwakana kw'Omwoyo mu "bifo ebyawaggulu" (olutalo olw'omwoyo), Yok 7:37-39. | commanded, Eph. 5:18. The Filling is regained through confession of Sin, 1 John 1:9; Prov. 1:23.<br>The Holy Spirits functions in the intake and application of Bible truth, John 14:26; 16:12-15; 1 Cor. 2:9-16; 1 John 2:27. This is the "how to" of edification.<br>The indwelling of the Holy Spirit is necessary because of the spiritual conflict in "high places" (spiritual warfare), John 7:37-39. |
| **Obuweereza bw'okuteekako akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu.**<br>Omulimu gw'okuteekako akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu gw'emusingi gw'obukuumi bwaffe obutaggwaawo. Emitendera gy'obulokozi giwereddwa mu Bef 1:13.<br>Bef 1:13, 14 era nammwe mu ye, bwe mwawulira, ekigambo eky'amazima, enjiri ey'obulokozi bwammwe, mu oyo, n'okkiriza bwe mwakkiriza, ne muteekebwako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa,<br>Gwe musingo gw'obusika bwaffe, okutuusa envu…… ya Katonda lw'erinunulibwa, ekitiibwa kye kitenderezebwa.<br>• Okusooka, olina okuwulira ekigambo eky'amazima, enjiri.<br>• Kale, olina okukkiriza enjiri.<br>• Mu kaseera ako, wateekebwako akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu.<br>Wateekebwako akabonero kigambo kyakikolwa (Sphragidzw), ekitegeeza okukubako laama"<br>• Mu nsi eyedda, akabonero bwabanga bukakafu oba okutuukiriza ekisaliddwawo. Eky'okulabirako akabonero akateekebwa ku mpeta y'obwakabaka. Okuteeka akabonero ku kintu kyakozesebwanga okunyweeza endagaano, amateeka, yinvoyisi, ebiragiro by'ekijaasi. Akabonero era kakozesebwanga mu kukakasa endagaano ez'akolebwanga wakati wamawanga abiri.<br>• Envumbo oba obubonero okukuuma entaana, amakungaaniro g'ebitabo, amawanika. Akabonero kawagirwanga amagye ga gavumenti eri mu buinza, eky'okulabirako akabonero akateekebwa ku ntaana ya Yesu kakasibwa amagye g'abaruumi.<br>• Envumbo oba obubonero bulaga obwannanyini; | **The Sealing Ministry of the Holy Spirit**<br>The sealing work of the Holy Spirit is the basis for our eternal security. The three phases of salvation are given in Eph. 1:13.<br>Eph. 1:13,14 In Him, you also, after listening to the message of truth, the gospel of your salvation-- having also believed, you were sealed in Him with the Holy Spirit of promise,<br>who is given as a pledge of our inheritance, with a view to the redemption of God's own possession, to the praise of His glory.<br>• First, you must hear the word of truth, the gospel.<br>• Then, you must believe the gospel.<br>• At that point, you are sealed by the Holy Spirit<br>you were sealed is the aorist passive indicative form of the verb (**sphragidzw**), which means "stamped with a seal."<br>• In the ancient world, the seal was a guarantee or a transaction, e.g., a signet impression on a ring. Sealing was used to authenticate contracts, laws, invoices, military orders. The seal was also used in the ratification of treaties.<br>• Seals were used to preserve tombs, libraries, treasuries. The seal was backed up by the force of the government in charge, e.g., the seal on the tomb of Christ was guaranteed by the Roman troops.<br>• Seals indicate ownership; God owns the believer, having purchased him from the slave market of sin (Eph. 1:7; 1 Cor. 6:20)<br>• The believer is sealed as a guarantee of his eternal security. |

| Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu | The Holy Spirit |
|---|---|
| Katonda alina obwanannyini ku mukkiriza, ye yamugulu okuva mu katale k'ekibi (Bef 1:7; 1Bak 6:20).<br>• Omukkiriza ateekebwako akabonero ng'omusingo gw'obukuumi obutaggwaawo. | |
| **Okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu**<br>Omuntu bwa sembeza Kristo ng'omulokozi, Omwoyo Omutukuvu ayingira mu (abeera) bulamu bwe. Omwoyo Omutukuvu abeera mu mukkiriza olw'ekigendererwa ky'okuwa Kristo ekitiibwa, naye Omwoyo okubera mu kukkiriza kwo kwennyini ekikakasa nti Kristo anaweebwa ekitiibwa mu bulamu bw'omukkiriza. Olw'ensonga eno, abakristaayo baragirwa okufuura ekintu kubo "Okujjula" Omwoyo Omutukuvu.<br>Bef 5:18, so temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo;<br>Ekikolwa "mujjulenga" kitegeeza "Okujjuza awatajjudde; okujjula ekintu, okujjuzawo ekintu" nnakogeza bikolwa kiragiro kitegeeza "jjuzibwanga" omukkiriza afuna ekikolwa kya nnakogeza bikolwa. Okujjuzibwa kukolebwa Mwoyo Mutukuvu.<br>Obuvunaanyizibwa bw'omukristaayo kwe kwatula ebibi bye. Mu kiseera kyonna mu bulamu bwaffe tusobola okwejja mu bumu olw'ebibi byetukola ffe kennyini. Ekyo bwekibaawo, tufuuka bamubiri, si bamwoyo. Ekibi kinakuwaza Omwoyo Omutukuvu era kita enkolagana yaffe ne Katonda. Naye Mukama atusuubiza nti bwetwatula ebibi byaffe, atusonyiwa era natunazaako obutali butuukirivu bwaffe. Ne kiba nti, okusinziira ku katula kwaffe, akomyawo enkolagana eyabadde efudde olw'ekibi.<br>Kale, okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ekibi kirina okwatulwa 1Bak 1:9.<br>Tewali kirungi kiva mu bulamu bw'omukristaayo okujako nga ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu.<br>Bar 8:8,9 n'abo abali mu mubiri tebayinza kusanyusa Katonda.<br>Naye mmwe temuli mu mubiri, wabula mu mwoyo,oba ng'Omwoyo gwa Katonda atuula mu mmwe. Naye Omuntu bw'ataba na Mwoyo gwa Kristo, oyo si wuwe.<br>Bag 3:3 bwe mutyo bwe mutalina magezi? Abasookera mu mwoyo, kaakati mutuukirizibwa mu mubiri? | **The Filling of the Holy Spirit**<br>When a person accepts Christ as Savior, the Holy Spirit comes into (indwells) his life permanently. The Holy Spirit indwells for the purpose of glorifying Christ, but indwelling alone does not guarantee that Christ will be glorified by the believer's life. For this reason, Christians are commanded to be habitually "filled" with the Holy Spirit.<br>Eph. 5:18, And do not get drunk with wine, for that is dissipation, but be filled with the Spirit,<br>The verb "be filled" means "to fill up a deficiency; to fully possess; to fully influence; to fill with a certain quality." Here it is in the present passive imperative, so the verb is a command meaning "keep on being filled" with the believer receiving the action of the verb. The filling is by means of the Holy Spirit.<br>**The responsibility of the Christian is to confess his sins.**<br>At any point in our lives we can take ourselves out of fellowship through personal sin. When that happens, we become carnal, not spiritual. Sin grieves the Holy Spirit and causes a breach in our relationship with God. But the Lord promises that if we confess our sins, He will forgive us and cleanse us from unrighteousness. That is, upon the condition of our confession, He will heal the breach that sin has caused.<br>So, to be filled with the Holy Spirit, sin must be confessed. 1 John 1:9<br>Nothing good is produced in the Christian's life apart from the filling of the Holy Spirit.<br>Rom. 8:8,9 and those who are in the flesh cannot please God.<br>However, you are not in the flesh but in the Spirit, if indeed the Spirit of God dwells in you. But if anyone does not have the Spirit of Christ, he does not belong to Him.<br>Gal. 3:3 Are you so foolish? Having begun by the Spirit, are you now being perfected by the flesh? |

| Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu | The Holy Spirit |
|---|---|
| **Ebiva mu kujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu**<br>• Okugoberera Kristo: Yok 16:14, 2Bak 3:3, Baf 1:20.<br>• Okutegeera ekigambo: Yok 14:26; 16:12-14; 1Bak . 2:9-16.<br>• Okujulira: Bik 1:8, 2Bak 3:1-10.<br>• Okukulemberwa: Bar 3:14; Bef 5:16-18<br>• Obukakafu: Bar 8:14-16, Bag 4:5,6.<br>• Okusinza: Baf. 3:3<br>• Okusaba: Bef 6:18 ne Zab 66:18.<br>• Obukulembeze mu buweereza: Yok 16:13; Bik 10:9,10 Bik. 13:2; 16:6. | **Results of the Filling of the Holy Spirit**<br>• Imitation of Christ: John 16:14; 2 Cor. 3:3; Phil. 1:20<br>• Perception of the Word: John 14:26; 16:12-14; 1 Cor. 2:9-16<br>• Witnessing: Acts 1:8; 2 Cor. 3:1-10<br>• Guidance: Rom. 8:14; Eph. 5:16-18<br>• Assurance: Rom. 8:14-16; Gal. 4:5,6<br>• Worship: Phil. 3:3; John 4:24<br>• Prayer: Eph. 6:18 with Psalm 66:18<br>• Leadership in Ministry: John 16:13; Acts 10:9,10; Acts 13:2; Acts 16:6 |
| **Omwoyo Omutukuvu agaba amaanyi ag'omwoyo**<br>Ekitabo ky'ebikolwa by'abatume kitabo kyamaanyi ga mwoyo – gyegava, engeri gyegafunibwamu, n'engeri gyegakozesebwamu. Ekisuubizo kya Yesu Kristo eri abayigirizwa be kyali "naye alibawa Omubeezi Omulala abeerenga nammwe emirmbe n'emirembe, Omwoyo owmazima:…. Abeera gye muli, era naabanga mu mu mmwe".<br>Obunabbi bwa Yokaana Omubatiza mu Mat 3:11 ebikwata ku kujja kw'obuweereza bwa Mukama Yesu era nalangirira obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu olw'omulembe gw'ekkanisa.<br>Mat 3:11 "Nze mbabatiza n'amazzi olw'okwenenya: naye oyo ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, sisaanira na kukwata ngatto ze: oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuv n'omuliro".<br>**Eby'okulabirako byabakkiriza okufuna Omwoyo Omutukuvu:**<br>• Ku Pentekoote Bik 2:3<br>• Abakristaayo Abasamaliya: Bik 8:17<br>• Koluneeriyo n'ebanne: Bik 10:44.<br>• Abakkiriza b'omu Effeso: Bik 19:6,7.<br>**Emiganyulo egiva mu maanyi g'Omwoyo.**<br>• Abantu bafuna obuvumu okugoba ekibi Mat 3:8<br>• Abantu bawebwa obusobozi okwogera n'obuvumu Bik 4:31-33.<br>• Okufuna amaanyi mwoyo ne mumpisa 2Sam 22:40. Isa. 28:56; 40:31; 41:10; Ban 11:32; Bef 3:16.<br>• Agaba amaanyi mu bunafu 1Bak 1:27; 2Bak 12:9; 13:4.<br>• Ofuna ebirabo by'Omwoyo: Bar 12:6; Bef 4:11. | **The Holy Spirit Provides Spiritual Power**<br>The book of Acts is the book of spiritual power - where it comes from, how it is obtained, and how it is used. The promise of Jesus Christ to his disciples was "He shall give you another Comforter, that he may abide with you forever, even the Spirit of Truth... He dwells with you and shall be in you."<br>The prophesy of John the Baptist in Matt. 3:11 regarding the coming ministry of the Lord Jesus also announced the ministry of the Holy Spirit for the Church Age.<br>Matt. 3:11 I indeed baptize you with water unto repentance: but he that comes after me is mightier than I, whose shoes I am not worthy to bear: he shall baptize you with the Holy Spirit, and with fire:"<br>**Examples of believers receiving the Holy Spirit:**<br>• At Pentecost: Acts 2:3<br>• The Samaritan Christians: Acts 8:17<br>• Cornelius and his company: Acts. 10:44<br>• The Ephesian believers: Acts 19:6,7<br>**The Benefits Derived from Spiritual Power**<br>• Men receive courage to rebuke sin: Matt. 3:8<br>• Men are enabled to speak with confidence: Acts 4:31-33*<br>• Gives spiritual and moral strength: 2 Sam. 22:40; Isa. 28:56; Isa. 40:31; 41:10; Dan. 11:32; Eph. 3:16<br>• Provides strength in weakness: 1 Cor. 1:27; 2 Cor. 12:9; 13:4<br>• Provides spiritual gifts: Rom. 12:6; Eph. 4:11 |

| **Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu** | **The Holy Spirit** |
|---|---|
| Ebibala eby'Omwoyo Omutukuvu<br>Ebibala by'Omwoyo Omutukuvu ye mbala ya Kristo entondebwa mu mukristaayo ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu. Bag 5:22, 23 alina olukalala lw'ebyo ebiba mu kibala ky'Omwoyo.<br>Okwagala, okusanyusa ne mirembe bibala bya mutima, endowooza y'omunda elaga Omutima ogutaliimu kibi emirembe ejijja okuvannyuma lw'okumanya amazima ga Baibuli.<br>Okugumikiriza, ekisa, n'obulungi by'olekera "baliraanwa"<br>Okugumiikiriza ng'eky'okulabirako, y'endowooza ey'emirembe eri abantu era kiva mu kuba n'okagala, okusanyuka, emirembe. Kino kiwumulo – kkyakukkiriza wakati mu bizibu ebireetebwa abantu oba embeera.<br>Okukkiriza, obuwombeefu, n'okwegendereza bibala eby'olekebebwa waggulu, oba ewa Katonda.<br>Obuwombeefu, ng'ekyokulabirako, ndowooza ya kisa ng'otaddeko obugabirizi bw'obwakatonda ekireetera Katonda ekitiibwa olw'obuwanirizi n'omukisa mu bulamu, okusinga okuba n'endowooza nti webezaawo.<br>**Obukwakulizo bw'okubala ebibala**<br>Biro wammanga byetaagisa omukristaayo okuba n'ebibala by'omwoyo.<br>• Enkwaso n'amazzi g'obulamu: Zab 1:3; Eze 47:12.<br>• Okufuna okwomwoyo Mat 13:23.<br>• Okufa okw'obulamu obukadde Yok 12:24.<br>• Okukangavvula (okusalira oba okulongoosa) Yok 15:2.<br>• • Okubeera mu Kristo Yok 15:4. | **The Fruit of the Holy Spirit**<br>The fruit of the Holy Spirit is the character of Christ being formed in the Christian who is filled with the Spirit. Gal. 5:22,23 has a listing of the types of production which are the result of the fruit of the Spirit.<br>Love, Joy, and Peace are fruits of mental attitude, inward thinking that reflects the lack of mental attitude sins and the relaxation which comes from knowing Bible truth.<br>Long-suffering, Gentleness, and Goodness are outward, or directed toward "neighbors."<br>Long-suffering, for example, is a relaxed attitude toward the human race and is a result of having love, joy peace. This is Faith-Rest under pressure which comes from people or Circumstances.<br>Faith, Meekness, and Temperance are fruits directed upward, or God-ward.<br>Humility, for example, is a grace attitude with regard to divine provision that gives glory to God for all support and blessing in life, rather than taking the attitude that one is self-made.<br>**Conditions of Fruit-Bearing**<br>The following are required in order for a Christian to have spiritual fruit:<br>• Contact with the Living Water: Ps. 1:3; Eze. 47:12<br>• Spiritual receptivity: Matt. 13:23<br>• Death of the old life: John 12:24<br>• Chastening (pruning): John 15:2<br>• Abiding in Christ: John 15:4 |
| **Ebibi byetuzza ku Mwoyo Omutukuvu**<br>Baibuli eyogera ku bika bitaano eby'ekibi byetwonoona Omwoyo Omutukuvu. Bibiri bikolebwa btakkiriza bokka; Ebisatu ebirala bikolebwa bakristaayo.<br>**Ebibi ebikolebwa abatakkiriza bokka.**<br>• Okuziyiza Omwoyo Omutukuvu. Bik 7:51 kuno kwe kugaana Mukama Yesu Kristo n'okugaana obuweereza bw'obulokozi obw'Omwoyo Omutukuvu (Yok 16:7-11) okuyita mu kibi eky'obutakkiriza.<br>• Okuvvoola Omwoyo Omutukuvu: Mat. 12:31,32 kino kyogera ku kugaana Yesu Kristo. | **Sins Against the Holy Spirit**<br>The Bible speaks of five types of sin which can be committed against the Holy Spirit. Two are committed by unbelievers only; the other three are committed by Christians.<br>**Sins By Unbelievers Only**<br>• •Resistance of the Holy Spirit: Acts 7:51. This is rejection of the Lord Jesus Christ and a rejection of the pre-salvation ministry of the Holy Spirit (John 16:7-11) through the sin of unbelief<br>• •Blasphemy of the Holy Spirit: Matt. 12:31,32. This refers to rejection of Jesus Christ during His ministry on earth (during the previous dispensation, |

| Embeera z'obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu | The Holy Spirit |
|---|---|
| **Ebibi ebizzibwa abakkiriza**<br>• Okulimba Omwoyo Omutukuvu Bik. 5:3. Kyogera ku kwekubuliriza kw'obulimba, okuwagira ekibi ky'okwaka.<br>• Okunakuwaza Omwoyo Omutukuvu Bef 4:30 kyogera ku kwonoonona okuva mu bunafu bw'omubiri. Ekibi kyonna mu bulamu bw'omukkiriza ekikwata okumanya ekituufu ne kikyamu oba ensonga ez'obuntu bulamu (empisa).<br>• Okuzikiza Omwoyo Omutukuvu 1Bass. 5:19 obulungi bw'Omuntu obuva mu bintu walina amaanyi mu mubiri. Eky'okulabirako: okugaba, okusaba, okujjulira olw'ekigendererwa ky'okufuna okusimiibwa. Obulungi bw'omuntu bumatiza emmeeme era buleetera omukkiriza obutatula kibi kye. | the Age of the Jews).<br>**Sins by Believers**<br>• Lying to the Holy Spirit: Acts 5:3. Refers to false motivation, approbation lust sin.<br>• Grieving the Holy Spirit: Eph. 4:30. Refers to producing sins from the area of weakness in the sin nature. Any sin in the life of the believer which involves a moral or ethical issue.<br>• Quenching the Holy Spirit: 1 Thess. 5:19. Producing human good from the areas of strength in the Sin Nature. Examples: giving, prayer, witnessing for the purpose of gaining approbation. Human good soothes the conscience and keeps the believer from confessing his sin. |